**30th October 2016.**

# AMAKA GATEREEZEBWA BUGONVU ERI MUKAMA.

**Lubereberye 34, 35:1 – 15.**

Wetwakomekkerereza okusomesa kwaffe omulundi oguwedde mu ssuula 33 twaleka Isirayiri, era eyayitibwanga Yakobo asenze okumpi n'ekibuga Sekemu, azimbye ennyumba n'azimbira n'ensolo ze ebisiisira, eyo mu nsi y'abakanani, we baamuguza n'ekitundu okufuukira ddala omutuuze. N'azimbira eyo ekyoto n'akiyita Ekyoto kya Katonda wa Isirayiri.

Kyokka bwe tweetegereza, Mukama yali amulagidde ng'asimbula e Padanalaamu okuddayo e Beseri gye baasisinkana era gye yali amukoledde obweyamu, mu ssuula 28. Bwe tulaba mu ssuula 31:3, …..awamu ne 13……

Era osanga kye kiky'amuyisa Yakobo mu ssuula eziddako, nti obwa Yakobo( obulimba) bwaali bukyamulimu nti yali alimbye Esawu nti amuvaako emabega baddeyo eka, wabula n'akwata e bukiikakkono e buvanjuba n'asenga eyo!

Ekyamuviiramu emitawaana nga bwe tulaba leero eri amaka ge, ne kyonoona era n'okuzikiriza obulamu bw'abangi ekyaali eky'akabasa ennyo, weewawo mu ngeri nga bwe gwaali eri Lutti naye eyasenga okumpi n'ekibuga ky'abantu abataali balungi kwesembereza.

Bwe tusoma mu ssuula 34:1 -7…….

Wano okusooka tweetegereze obugayaavu bwa Yakobo ne Leeya eri muwala waabwe yekka, ommuleka oggenda yekka mu kibuga ky'abakanani nga bwe kyaali eky'akabi ennyo gye bali bonna. Ebiro bino waliwo kye bayita "sleepovers", abavubuka n'addala abawala mwe basabira okusulako mu mikwano gyaabwe, kyendabula abazadde ffenna nti tekiba kirungi kubanga n'okusaana tekisaana, n'addala bwe baba nga banaabaayo bwassekinnoomu gy'otamanyi na ngeri zaabwe. N'abaana bonna balabulwa ssi bawala bokka naye n'ab'obulenzi nti awaka we wokka awali obukuumi gy'oli n'olw'ekyo w'olina okunoonyeza emirembe n'essanyu, obutayaayuuka buyaayuusi kubanga kiviiramu emize egy'akabasa nga bwe tulabyeeko ne mu bulamu bwaffe mu biro bino.

Mukweyongerayo mu nny.8 -17……..

Tulaba era Yakobo bw'ataali Taata wa buvunaanyizibwa kwanja nsonga lw'akuba teyalina mbala emugwaanyisa (moral integrity). N'olw'ekyo batabani be basobola okulimba lwatu lwakuba ne kitaabwe yalimba lwatu bwe yagamba kitaabwe Esawu nti banaamugoberera, kyokka ne batakikola era obulamu ne bweyongera mu maaso. Nti abaana kye batulabako oba kyebatuwulirako ng'abazadde kyebatwaala nga ekigwaanidde, ate nekibazibwaamu gyebali. N'olw'ekyo tulina okwetegereza ennyo empisa zaffe ng'abazadde mu ngeri nti kye tusiga mu zzo kye tujja okkungula gye bujja mu zadde lyaffe. Era nga bwe tuzze tulaba ne mu misomo gyaffe mu kitabo kino.

Mu nny.18 – 29 tusoma mu ntiisa…….
Tulaba ab'eSekemu bonna bwe bayitika olw'amaddu eri abakazi n'eby'obugagga kumbe baali besimira ntaana. Ekituwa okwetegereza kwa mirundi ebiri, nti abo abalokoka okufuna abakyala n'obugagga tebaba balokole ddala kuba tebaba bakkiriza mu Yesu Kristo nga Mukama wa bulamu bwaabwe era mulokozi w'abwo……. N'ekirala abo abasiramuka bakomolwe olw'ensonga z'ezimu balina kwelinda okuzikirizibwa okuboolekedde olw'obutakkiririza mu Yesu Kristo ekkubo, n'amazima n'obulamu ebya nnamaddala.

Mu nny.30 -31……
Tulaba Yakobo era bwe yeelowoozaako…Mundeetedde……nfuuse…..,Tuli batono…. Tujja kumalibwaawo….. Ate abo abe Sekemu abaggibwaako ba bbaababwe oba ba kitaabwe na byonna, teebereza obulumi bwaabwe.
Era obusungu bwa Simyoni ne Leevi bw'abaleetera n'okkolimirwa kitaabwe, ate eyali kanaaluzaala, ekyaabaviiramu okusaasaanyizibwa mu Isirayiri (49:5 – 7). Obutaba na butuuze bwa nsikirano, era bwe busungu bwe bumu obwalemesa Musa okuyingira mu nsi ensuubize. Baruumi 12:17 - 21 zitulagira nti…………

Mu ssuula 35:1 – 15 tweyongera okulaba ekisa n'ekitiibwa kya Mukama ekitaddirira………..
Mukama alagira Yakobo okutuukiriza obweyamo bwe n'oggondera okulagirwa kwe, teebereza oluvannyuma lw'ekiteeberezwa okuba emyaka 8! Ekyongera okunkakasa nti ekyaleetera Yakobo oba Isirayiri ono ennaku n'okubonaabona mu bulamu bwe bwaali butawuliriza Mukama n'obutamwesiga nga bwe kyaali kigwaanidde. Ne kimpa okusoomoozebwa obutaba bw'entyo.

Wewaawo tweetegereze nti yalagira abantu be baawukane ne bakatonda abalala, nga tujjukira nti mukazi  we yalina bakatonda ba kitaawe Labbaani be yali yeekukumye, ate n'abaSekemu be baali bawambye nabo baalina bakatonda mw'ebyo bye baasinzanga, era byonna ebyawongo baabiggibwaako batukuzibwe.
Ekitulaga nti mu kudda eri Mukama ng'amaka tulina okuzza obuggya okweewaayo kwaffe okusinza n'okukkiririza mu Mukama, twenenye obutali butuukirivu bwaffe n'ensobi zaffe eri bannaffe ne Mukama. Tulekeraawo okusinza TV n'amasimu n'emirimu, tube n'entabagana z'ekyoto mu maka awamu entakera.

Mu kukyuusa ebyambalo byaffe tukole nga Baruumi 13:12 – 14 bwe zigamba…..
N'Abakkolosaayi 3:8 – 14 (nsaba muzisome).

Olwo lwe tunaaba n'amaka ageeyagaza era agajjude obutuukirivu, emirembe n'essanyu emirembe gyonna kubanga gajja kubaamu okubeerawo kwa Mukama okwa nnamaddala.

Olw'obudde tuneeyongerayo okuva awo oluddako, Mukama nga ye mubeezi waffe.